**17th June 2018.**

# YESU KY'EKIWUMMULO KYAFFE.

**Abaebbulaniya 4.**

**Vs1.** Abaebbulaniya baalabulwa beerinde okulaba nti batuuka mu kiwummulo.

Okulabula kuno kwajja gye bali kubanga bangi ku bbo baali balowooza nti ekiwummulo kiri mu kukwata mateeka ga Musa era nti enjiri ya Yesu Kristo yali nnyongereza ku mateeka ago.

Naye amateeka ga Musa gaali gabasongera ku kiwummulo ekyateekebwateekebwa okuyita mu Yesu Kristo.

Naffe tumanye leero nti teri bikolwa bya ddiini, bungi bwa nsimbi wamu n'ebyo bye tulina ebiyinza okutuyingiza mu kiwummulo kya Katonda.

**Vs.2** Newaakubadde bangi mu Isirayiri beenyumiriza mu Mateka ga Musa naye era bangi tebaagatuukiriza. Era n'eri ffe enjiri ebuulirwa nga tusoomoozebwa okugikkiriza.

Ebigambo bye tuwulira mu njiri byetaaga kukkiriza era nga okuwulira obuwulizi tekimala.

**Vs3** Ekiwummulo kya Katonda kibaddewo okuva ku lubereberye naye omuntu abadde tannakiyingira. Obusobozi bwaffe okuyingira ekiwummulo kya Katonda tebukomanga kubanga oluggi lukyali luggule mu Kristo Yesu.

Zabbuli 95:11.......

Ekiwummulo kyatandika dda era nga ensi gye tulimu eweddewo ekiwummulo kino kijja kutuukirizibwa butuukirizibwa.

Ebitwetoolodde biyinza okutugaaana okuwummula, gamba nga; ettemu, embeera y'eby'enfuna, obutabanguko mu maka n'ebirala bingi naye mu byonna tubeere n'okuwummula mu mitima gyaffe.

Embeera y'okwelariikirira, okutya, wamu n'obutakkiriza etuleetera obutawummula mu mitima gyaffe.

Eky’amateeka Olw’okubiri (Deut.) 28:67,.......... Omubuulizi 2:23.........

Kale tuweeyo ebitutiisa, ebitwelaliikiriza eri Mukama n’emitima gyaffe ginaafuna okuwummula.

**Vs.4-5** Mukama bwe yatonda ensi n’awummula ku lunaku olw’omusanvu era nga na buli mu Isirayiri yalina okuwummula okusinziira ku Mateeka ga Musa.

Ekiwummulo kya Katonda kikyaaliwo era tukyaasobola okukiyingiramu ne leero.

**Vs.6-7** Abayisirayiri tebaalemerererwa ddala kuyingira mu kiwummulo. Newaakubadde ab’omumirembe gya Musa baalemererwa naye ab’omumirembe gya Yoswa baayingira ekiwummulo ky’ensi ensuubize.

Ennyiriri zino zitulaga nti ekyaliyo ekiwummulo era singa tekyaali bw’ekityo omuwandiisi wa Zabbuli 95:7-11….teyandiwandiise ku kiwummulo kirala.

**Vs 8-11** Ekiwummulo eky’obwa Katonda w’ekiri okuva ku lubereberye era si kya Bayisirayiri bokka naye kya bantu ba Katonda bonna.

Era ekiwummulo ekituufu tekimatizibwa na kiwummulo kya ku nsi naye n’okuwummula Katonda kwe yawummula.

Ensi ya Kanani ne Ssabiiti biraga ekintu ekitannatuukibwako. Naffe ensi gye tulimu erimu emitawaana era nga mu yyo tetusobola kuwummula.

Zabbuli 55:6.........., Yobu 14:13.......

Ebisuubizo by’okuwummula nga tuli wano ku nsi olw’ebintu by’ensi tekisobola kutuukirira.

Ekyaliyo ekiwummulo ekirala. Yesu Kristo bwe yayambala omubiri n’ayita mu kufuba kwe tuyitamu era n’asaanyiza abali mu kikula ky’abantu okuyingira ekiwummulo.

Ekiwummulo kye twogerako kya mwoyo era nga bwe kinaayingizibwa mu mitima gyaffe: ne mu nsi erimu emitawaana emitima gyaffe gijja kuba n’okuwummula.

Okuva 33:13-14, Zabbuli 23, Zabbuli 116:7, Isaaya 30:15, Matayo 17:28-29.

**Vs 12-30** Ekigambo ekyogerwako ky'ekigambo ky'amaanyi ga Katonda. Kubikkulirwa 19:15, Yeremiya 23:29

Ekigambo bwe kiwulirwa kibikkula emitima gyaffe ne kitulaga obutali butuukirivu bwaffe era ne kitwawula ku bikolwa ebitali bya butuukirivu.

Ky'ekigambo ekitulaga nti tulina ekiwummulo mu Kristo Yesu era ky'ekitulaga nti tusobola okufiirwa ekiwummulo.

**Vs 14-16** Twongera okulaba Yesu Kabona Omukulu ali mu ggulu era nga y'ensonga lwaki tulina okunyweeza okukkiriza kwaffe.

Tulwaane mu kukkiiriza nga tukkiriza nti Yesu Kristo aliwamu naffe. Ono yaliko mu mubiri ogusobola okugoberera okusikirizibwa okw'enjawulo naye teyawangulwa.

N'olw'ekyo amanyi ebikemo by'abantu byonna.

Tunyweze okukkiriza kwe twayatula si mu mutima mwokka naye ne mu bikolwa byaffe.

Lukka 13:24, Abafiripi 1:27, Abaebbulaniya 12:3-4